LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/09/28 19:08

Ssekabaka Daudi Chwa,KCMG,KBE,OSS,awandiika ekitabo kino, nga annyonyola ensonga ezavaako Omulamuzi wa Buganda omukulu Stanslas Mugwanya okulekulira (resign) emirimu gye.Nga Omuganda bw'agamba nti akaliro akatono k'okya ekyalo, ensonga ez'avaako okuwummula kwa Mugwanya zaali ntono nnyo.

Gwe omusomi, nga gwe mulundi ogusooka okusoma akatabo kano,era nga n'abalala abaakasoma edda bwe bakkiriziganya nange, Sekabaka Daudi Chwa yali musajja Mekete, eyali teyeerya ntama, kyokka ate era nga okusinga byonna, yali musajja mufuzi ow'amagezi, era omukwata mpola nga kino kyeyoleka lunye, engeri gyeyakwatamu ensonga ez'atuusa Stanslas Mugwanya okuwummula.

Ssabasajja atulaga okulungamya n'okutabaganya enjuyi ez'enjawulo, ate mu bwetowaze obw'ekitalo,ate era nga teyerabidde buvunaanyizibwa bwe nga Kabaka, omufuzi ow'okuntikko mu gwanga lye! Awo nze omusomi ne nsigala nga ngamba nti KALE SINGA N'ABAFUZI BAFFE AB'EMIREMBE GINO batwala eky'okulabirako kya Ssekabaka Chwa.

Tulaba engeri Ssabasajja gyeyakwatamu ensonga enkulu, ezaali ziriwo wakati w'abakulu abaamukuza(Regents, era nga baali ba Ministers ba Cabinet ye ekintu ekitaali kyangu n'akamu!

Nsaba okutegeeza omusomi nti bu byafaayo ebitonotono, Sekabaka Daudi Chwa yasikira Nnamulondo nga mwana muto wa mwaka gumu, oluvanyuma lwa kitaawe Ssekabaka Mwanga II okukisiza omukono mu buwanganguse mu bizinga by'eBusessere (Seychelles).Era enjole ye n'ekomezebwawo mu mwaka 1910.

Kinajjukirwa nti okwewangangusa kuno kwava ku kuwakanya obufuzi obw'amatwale, Ssekabaka Mwanga bweyayita obw'ekimpatiira, era baali beegatta ne mukulu munne(Mu bufuzi) Kabalega okuva mu bwa Ssabatara bwa Bunyoro Kitara nebakekeza ennyago, okuzoolekeza omuzungu. Ssekabaka Daudi Chwa bw'asikira Nnamulondo,w'atekebwawo abakuza, oba bayite Regents, (Omukatuliki 1, n'aba Kulisitaayo 2), bamuyambe okumufugirako, ate era ne Gavumenti ya ba Kyaala Kimpade, ba Magulu Meeru, oba bayite ba Kyeruppe ereme kulabika nti yalina ebigendererwa eby'ekyaama eby'okumalawo obwa Kabaka bwa Buganda.Era yaddizibwa Ddamula nga awezezza egy'obukulu 18.

Kakati wano nkusaba oneeegatteko nga tutunuulira obufuzi bwa Ssekabaka Daudi Chwa, mu kitabo kino:

LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/09/28 20:00

LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA

PART 1

Mu mwaka 1920 kawumpuli owekika ekikambwe yalumba ebibuga bya Buganda,Nakasero ne Mengo era buli eyali asobola okudduka ekibabu yadduka.Yye,Ssekabaka Daudi Chwa yaddukira Kyengera ewa Stanslus Mugwanya eyali Omulamuzi wa Buganda omukulu mu nsangi ezo.

Kyokka wayita mbale, nayo newalabikayo emmese ezafudde,awo neyeyongerayo, e Butoolo,mu mbuga ya Kaima ey'e Ssaza.

Abaami abakulu mu kiseera ekyo baalaba Ssekabaka Chwa ali mu kubundabunda,nga talina wawe wa nkalakkalira, kwekuleeta ekiteeso Kabaka akolerwe Olubiri olulwe,e Gangu,ku mailo z'Obwakabaka.

Kino ekiteeso kyayisibwa era ne kitwalibwa mu gavumenti y'abangereza eyali ekulirwa Provincial Commissioner(PC)wa Buganda, Capt.Tufnell e Ntebbe (twali tukyali mu bufuge bwabwe)

Wano Tufnell yakkiriza ekiteeso,era wakati mu kukola, omwami eyali omuwanika w'egwanga,(oba muyite Finance minister)Mr.Y.Lule Musajalumbwa n'alonda omugabe we Lewo(Leonard) Omutongole Omukubampanga(District Defence) okuba n'obuvunanyizibwa okulaba nga emirimu gigenda kinnawadda.Kino kyali ku musingi gwa bulungi bwa nsi.Wabula omu ku b'awebwa omulimu guno,Andereya Mugerwa,yabireetamu olubalaato,era okukakkana nga kireese akatuubagiro,era nekireeta omubaka w'Omuwanika okumuyita annyonyole lwaki yajeemera Omuwanika okukola omulimu gw'okuzimbira Kabaka enju.

Ku lunaku lwe yayitibwa teyasobola kujja,wabula n'asaba agende enkeera,kyokka era n'amala sabiiti(weeks) biri nga

talabiseeyo!

Oluvanyuma Omuwanika n'agenda ku lubiri okulaba emirimu,yasanga enju bweyagireka bw'ekyaali!Ky'ava abuuza omu ku bagabe,lwaki Mugerwa Omukubankwaata teyasobola kumaliriza mulimu gwamulaalikwa.Era naye yaddamu nti okuva lweyagenda,Mugerwa tadangayo ku mirimu.Wano omuwanika yasunguwala nnyo,era n'atuma Mugerwa aleetebwe abitebye.

Wano nno we waava entabwe,kuba Mugerwa bweyabuuzibwa yazaamu kkabyo,ekitandisaanidde kuddamu mukulu nga omuwanika!Era Omuwanika n'alagira abaaliwo bamukwate n'amaanyi wabula Mugerwa n'asalawo okwesimatula adduke,ko omuwanika nti ogunywanga neguteeka,nebamusimbako kakokola tondeka nnyuma,okukakkana nga akwatiddwa,era Omuwanika kyeyava amuwewenyula fimbo,ezasigalawo zakwata ttaka!Mugerwa agamba mu mpoza ye nti yakubwa embooko nga 40,zeyasobola okubalako, wabula nga alowooza nti zaasukkiramu ddala,kyokka Omuwanika agamba nti zaali 12 zokka!

Bwebukya kumakya nga Mugerwa ayolekera embuga,eyali ekulirwa Omulamuzi omukulu (oba muyite Minister of Justice)

Stanslas Mugwanya,era n'awawabira Omuwanika olw'okumukuba.

Bw'atyo Omulamuzi nga 27 Sept 1920 yawandiika olupapula oluyita Mugerwa(court summons) ajje abitebye.

Mugerwa bw'afuna ebbaluwa, yaddamu nti "Sebo ebbaluwa ngifunye nga mpitibwa nzije nga 27 Sept 1920 olw'okuwawabirwa Andereya Mugerwa,wabula ebbaluwa lwetuse era lwempitiddwa.Kale nja kujja enkya". Nze YLM Musajjalumbwa., Omuwanika

Mukiseera kye kimu,Omuwanika n'awandiikira Kabaka nti Sebo mpaabidwa omusango gw'okukuba omukubankwata,naye ssebo ndabye nga omusango gwa byabufuzi,n'olwekyo tegusaana kuwulirwa eyo mu Gombolola, wabula gusaana kuwulirwa H.H Kabaka.N'olwekyo omuwaabi yandisaanye atwale ensonga ze eri ggwe Sabasajja.

Eno copy yawerezebwako n'omulamuzi.

Kati Omulamuzi naye n'awandiikira Omuwanika nti ...."sebo ebaluwa ngifunye mw'ogambira nti Mugerwa asaanye atwale ensonga ze ewa Ssabasajja.Kino kikyaamu olwensonga zino:

-Mu baluwa otegezeza nti omusango gwa bufuzi,era omwami wamukuba lwa bufuzi, wabula ekibuuzo,wasooka kumuwozesa olyoke omukube?

-Bw'oba oliko ky'ojulira ne Kabaka,wasooka kufuna kulagirwa okuva ewa Ssabasajja nti omukube?

-Bwe ndabye nga tewali nsonga ntuufu eggyisa musango mu Gombolola,kyenvudde nkuwandiikira nga nkusaba otukirize

obweyamo ojje nga bwewawandiise mu kabaluwa akasoose nti ojja enkya kumakya wano mu kooti y'egombolola.

Bw'otajje,kijja kwelarikiriza obuganda, kuba Gombolola zatekebwawo Ssabasajja okugonjoola ensonga nga zino awatali kuvuvungwa kwonna."

Kati Omuwanika bw'afuna ebaluwa eno,n'awandiika , n'agamba nti kale nzikirizza okujja nga bw'osabye enkya esawa biri.

Wabula nsaba nti bwemba mpoza,saagala Stanslas Mugwanya abeere mu ntebe ya Bulamuzi,olw'ensonga nti tulina obutatabagana naye mu nsonga nyingi, era tajja kunsalira musango mu bwenkanya.

Awo Omulamuzi bw'afuna eno,kyeyava amuddamu nti ...."sebo nfunye ebaluwa yo eyokusatu olwa leero,27 Sept 1920,era ndowooza ebaluwa esobye! Wandibadde ebbaluwa owandiikira Kabaka nze nenfunako copy.Kati sebo Omulamuzi ayinza atya okwejjulula ku Bulamuzi? Kino eky'obutakkaanya kizibu okutegeera,okujjako nga olina ensonga enkulu gy'oleeta.Mu kiti kyange nga omulamuzi,ndiwo kuwulira buli nsonga ya muntu gy'aba aleese.

Wabula sebo ky'osabye kirimu obuzibu kubanga abantu abakolwako obya mbyoone banalindirira batya okutuusa lwendiva ku Bulamuzi balyooke baleete ensonga zabwe okugonjoolwa.....Lindirira Part 2.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Bandi - 2007/09/29 04:30

Very interesting Phad! This kind of thing takes our discussion to a high cultural level. 'Can't wait to read the second part. Thanks.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/09/29 17:10

LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA

Part 2

Kati wano ggwe asoma otegeera nti olutalo lw'ebigambo wakati w'abakungu abasinga obukulu mu Gavumenti lwali lumaze okulinnya enkandaggo,ate mu naku biri zokka!

Jukira nti okuwaanyisiganya kuno kwonna Ssabasajja Kabaka yawerezebwanga copy.

Era mu nkukakasa ntiakatuubagiro nga bw'okalabye ne Sekabaka bweyali akalabye.Kwe kuwandiikira omuwanika amulabule aleme kujeemera kooti na Mulamuzi.Yagenda mu maaso n'amuwabula nti ebyo eby'okugaya kooti byali bisobye,mu kunnyonyola yamutegeeza nti emirimu gy'abaami bano gyali mirimu gya Kabaka yenyini,era nga Omulamuzi alamula mu linya lya Kabaka.agattako nti newankubadde yye(Kabaka)yali asobola okugenda mu Gombolola okulamulayo emisango,wabula emisango egilamulwa Kabaka gy'egyo egigwa mu kiti kyempoza y'ebika,n'empaka z'ettaka.Yamaliriza alabula Omuwanika agende awoze omusango gw'okukuba Mugerwa,oba ssi kyo,Gombolola ejja kumuvunaana ogw'okugaya kooti,ate nga kyali kivve okuwulirwa ku muntu omukulu nga Omuwanika.

Wabula era yamaliriza agamba nti newankubadde ensonga ezakubisa Mugerwa zalimu egumba,Omulamuzi yali ayinza okumunenyako obunenya,nekitaba nsonga nnene.

Mu bigambo bya Kabaka yawandiikira Omuwanika omukulu,copy eri Omulamuzi wamu ne copy eri Mengo Lukiiko.

Mu kaseera ke kamu,Sekabaka yawandiikira Omuwanika nga amuwabula nti kyeyali asabye okukyuusa omulamuzi kyali tekijja kusoboka,wabula n'amugamba nti bwewanabaawo obutakkanya ku nsala y'omulamuzi,Omuwanika ajja kuba asobola okujulira mu kooti e Kampala.

Omuwanika bwafuna okulabulwa kwa kabaka,yasalawo okuwandiika ebbaluwa ey'emenya,era n'asaba Omulamuzi amusonyiwe olwebyo ebyasoba mu baluwa ezasooka.

Wayita satu,era nga ne Kabaka mumativu nti omusango gwa Mugerwa gunawulirwa mu kooti,ate n'afuna ebaluwa okuva ew'Omulamuzi nga awawabira Omuwanika olw'okunyooma kooti n'atagenda nga bweyasuubiza.

Mu bufunze,ebaluwa yali eraga Ssabasajja nga Omuwanika bweyali omunyomi,era nga n'ebaluwa gyeyali awandiise omwali ebigambo ebisaba Omulamuzi akyusibwe yali abikakasa,nti ye nsonga lwaki yajeema okujja mu kooti ku lunaku olulagaane.

Eno ensonga ye Omulamuzi yagiraba nga nkulu nyo,era yesigama ku kiragiro ekyali kyayisibwa Provincial Commissioner,nti kyakkirizibwa oluvanyuma lw'okutesebwako Kabaka n'abaami abasatu(ministers) nti ekigambo ky'okunenengana,oba okuleekaana kyonna ekinabangawo wakati w'abaami abo,kinawerezebwanga ewa Kabaka,n'akimaliriza mu nsala ye nga Kabaka.Ekiwandiiko kya PC kyali kimaliriza kigamba nti buba busobya okusirikira ensonga eyo n'etafibwaako.

Wano Omulamuzi agamba nti bwewaba waliwo obutakaanya wakati we n'Omuwanika,lwaki teyakireeta mu lwatu,okusinziira ku kawayiro ako waggulu.

Omulamuzi wayongerera okuwa ensonga ze nti singa buli mukulu lw'anabanga asobezza ate neyesalirawo mulamuzi ki anamusaliranga omusango,olwo ebintu bijja kuba bisobye!

Omulamuzi kyava asalawo okuwawabira Omuwanika olw'ensonga zino wamanga:

1-Okujjibwa mu ntebe y'obulamuzi,mu bigambo bya mukulu munne

2-Okuvoolwa nga atalina mazima mu mulimu gwe nga omulamuzi,ekiviirako mukulu munne obutamubeeramu na bwesige nti asobola okusala omusango n'obwenkanya.

3-Okumwonoonera erinnya lye.

Biba bikyali awo,ate ebbaluwa eva ewa magulu meeru PC Tufnell e ntebbe nga nayo etuuse,era nga esaba okunyonyolwa ku musango ogw'okukuba Omuntu.Yawandiika bwati mu bufunze...

"Okusinziira ku baluwa ezimperezeddwa,omuwanika alabika tasobola kuteekebwa mu mbuga ey'egombolola,ye nga minister,nolwekyo omusango nsaba guyimirizibwe okuwulirwa ku Gombolola mbagirawo,mukole entegeka omusango ogwo guletebwe wano nguwulire,olunaku lwonna olwa week eno.

Kabaka amangu dala yaddamu Tufnell nti ye talina bw'atandika kuyingira mu kusala misango,egy'engeri eno,era nti yali talina bwiino mu bujuvu akwata ku musango guno.Yategeeza nti ky'amanyi,ye mpaaba y'Omulamuzi nga awabira Omuwanika olw'okunyooma entebe ye,era n'okulaga nga bwatamulinaamu bwesigwa kusala musango ogwo.

Amangu ago,era Kabaka yawandiikira Omuwanika nga amubuuza ensonga lwaki yagaana okugenda mu kooti nga bweyali asuubizza.Yagenda mu maaso nga amutegeeza nga Omulamuzi bweyamuguddeko omusango.

Mu naku 9 omusango gw'okukuba Mugerwa olw'obutatuukiriza bweyamo kukola bulungi bwa nsi,gwali gumaze okufuuka Essango wakati wa ba Minister era ba Regents ba Kabaka.

Nga enaku z'omwezi 6th october 1920, Omulamuzi n'awandiikira kyeruppe Tufnell nti ebaluwa eyimiriza omusango gwa Mugerwa yagifunye,naye ebyo ali mu bikadde,ate ebitaliimu gumba kubanga essula empya mu musango yali egudwaawo,nga ye ya Omulamuzi Vs Omuwanika,era yayongera n'anyonyola nti Okukuba Mugerwa musango munene,naye okugaya,okunyooma n'okutyoobola ekooti y'eGombolola,eyateekebwawo Sabasajja, lyali sango ddene,elyali lyetaaga okusooka okuwulirwa,nga tetunaba na kulowooza ku yawewenyulwa kifaalu.Yamaliriza ategeeza nga bweyali alina bwiino,alaga bino,mu mabaluwa Omuwanika geyawandiika.

Wano Kyeruppe yapipira,era n'awandiikira Sabasajja nga amusaba n'obuwombeefu asooke ateeke ebirala byonna wabbali amale okuwulira omusango gw'abakungu bano.

Yawa amagezi (Kyeruppe)nti waberewo n'ab'amasaza nga 5, baberewo nga Finance Minister ne Chief Justice bagwiisa obwenyi.

Kino Sabasajja yakyaniriza,era n'asaba ab'aMasaza bano okubeerawo

1-Ham Mukasa Sekiboobo

2-T.Mugema

3-A.L Kimbugwe

4-T.Kasujju

Amala ekyo, ate n'awandiikira Omulamuzi nga amusaba anyonyole kaati oba ayagala guno gubeere musango(Case),oba ayagala kubeere kwemulugunya(Complaint).Wano yasaba Omulamuzi atangaaze mu bwangu,n'oluvanyuma beyongereyo.

Omulamuzi yamuddamu amangu ddala mu naku 2 nti yali erina kubeera CASE olw'ensonga nti Omuwanika yanyooma lwaatu,era n'elinnya ly'Omulamuzi lyatyoboowa,sso tayagala kwemulugunya,wabula awaaba musango gwa CASE.

Wano Sabasajja yawandiikira Omuwanika nga amusaba awereze empoza ye,era abeere mwetegefu okujja mu lukiiko nga 15 October 1920.Era yamulagira amuwereze Motoka (eritambuza Sabasajja.)

Ensonga Kabaka lwaki yasaba emmotoka, jukira ku ntandikwa twategedde nti yali agenze Butoolo,olwa kawumpuli eyali azinze ekibuga,ate teyalinaayo motoka namu bulungi esobola kumutwala ku kibuga.

Olunaku okutuuka,Kabaka yatuuka e Mengo nga baamulindiridde dda, era kooti nga etaba.

Katikkiro (Sir Apollo Kaggwa) ky'ava aleeta ensonga ye nga agamba nti naye asaana abeere ku lukiiko olusala emisango.Kabaka ky'ava amuwabula nti tekyetaagisa katikkiro okuba ku basala omusango nga waliwo Sabasajja yenyini,okusinsiira ku kiwandiiko kya Gombolola za Buganda (Circular) ekya 1917.Yagenda mu maaso okumuwabula nti ekiragiro kigamba nti omulamuzi bw'atabengawo,olwo katikkiro anaberanga n'obuvunanyizibwa,wabula olw'okuba Omulamuzi yali ku ludda oluwaabi,awo Sabasajja yenyini yeyali alina okusala.Ku luno Katikkiro yali nga ategede Ssabasajja ky'agamba,wabula wayita mbale,nga 26 October 1920 Kabaka n'afuna ebbaluwa y'okwemulugunya okwo,era ne PC Tufnell yawerezebwako copy.Mu bitonotono,Katikkiro yanokola ensonga eyasinga okumunyiiza,nga y'eno:

Ku lunaku lw'omusango gw'Omuwanika n'Omulamuzi, Katikkiro teyaweebwa lukusa kubaako kyayogera,kyokka ate nga

ab’aMasaza,abatongole n’ab’aMagombolola bayanukulanga lunye,ekyo nekitegeeza nti Katikkiro Mu bwa Sabasajja takyalinamu kitiibwa,era ekyo nti bangi kyabewuunyisa.

Tunuulira akamanyiiro ku Ssabasajja,nga bwetunaabiraba mu Part 3:-

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/09/30 20:53

Part 3

Kino ku lwange ndaba Abakungu bano baali batandise kumanyiira bwa Kabaka mu ngeri etyoboola.

Sekabaka Ky’ava amuddamu ebbaluwa, eyalimu ebimu ku bino:.....”Nze bwensoma mu Proclamation Notive Courts mu Buganda ndaba nga obuyinza bwonna obwa kooti y’Olukiiko buli ku Kabaka na Mulamuzi,wabula bwebaba nga bombi babuzeewo, olwo Katikkiro n’Omuwanika ne balyoka baba n’obuyinza.Wabula mu Proclamations zino, tewali wenkilabye nga kiwa Katikkiro obuyinza okulamula nga Kabaka oba Omulamuzi webali.

Wabula olw’okuba Sekabaka yali musajja mutegeevu, ebigambo bye yamalanga kubyekeneenya,era kyeyava awandiikira Omuwolereza wa Gavumenti (Attorney General)Entebbe,amuwe okuwabulwa, ku nsonga eyo nga bwekiri mu ndagaano ya 1900,era n’ebiri mu kulanga kw’enkiiko za Buganda okwa 1917. Nga bwekyandisuubiddwa, omuwolereza wa Govt yaddamu ebaluwa nga akakasa Kabaka nti ye yekka(Kabaka) y’alina obuyinza okulonda abasazi b’emisango ye nga bw’aba ayagadde.Wabula abakungu bano(Omuwanika ne Katikkiro)ensala eyo tebagikkiriza.

Bagenda mu maaso nebawandiikira PC Tufnell (magulu meeru waffe oli) nga bamusaba atangaaze,era abawe olukusa olutaliiko kkomo, okusobola nabo okubeeranga n’obuyinza mu kusala emisango, naddala nga Kabaka yenyini bw’aba nga y’ali ku ntebe y’Obulamuzi.Bagenda mu maaso nga basaba ekirowoozo kino kiwerezebwe n’ow’ekitiibwa Gavana naye akirowoozeko, balyooke basalewo nti abaami bano balina okuba n’obuyinza nga obwa Kabaka nga alamula mu kooti!

Kaakati nsaba okujjukiza, obamu, wamu n’okutegeeza abatamanyi nti Sekabaka Chwa yali wa mwaka gumu(1),bweyalangirirwa nti y’alisikira Namulondo nga Kitaawe akisizza omukono.Kimanyiddwa nti teyasobola kuteekebwaawo butereevu ku Namulondo, olw’emyaaka, so walondebwaawo abakuza, ate nga bebakuumi b’Entebe (Namulondo), nga bw’aliba asuumuseemu, aliweebwa Ddamula.

Abakungu abaweebwa eddimu ly’okukuza Kabaka omuto, baali:

1-Sir Appolo Kaggwa

2-Stanslas Mugwaanya

3-Yakobo Lule Musajjalumbwa.

Bweyali yakalya obwa Kabaka, Daudi Chwa eddimu lyeyasooka okukola kwali kutabaganya abaami bano, Katikkiro Sir Apollo Kaggwa n’Omulamuzi Omukulu Mugwaanya, era kyeyakola kwali kubaawula, buli omu abeere ne office eyiye, nga tewali ayingirira mirimu gya munne, obukyaayi n’okunenengana wakati mubo okwaali kususse ennyo kuggweewo.Kinajjukirwa nti mu April wa 1908, oluvannyuma lw’akabanga nga obukuubagano mu ngeri emisango gyegyasalwangamu.Abakungu bano bombi bagwangana mu bifuba,era ne bibabuguma!Kyokka Obuganda bwali buladde, ate kati wuuno Katikkiro asitudde enkundi wamu n’Omuwanika, baagala bagende batuulenga mu Kooti n’Omulamuzi okusala emisango! Simanyi oba olengera akabaate akalabika okuttukawo?

Kati bw'okalengera, bwatyo ne Sekabaka Chwa bweyakalengera.

Omulamuzi kyeyakola yawandiikira PC Tufnell ebbaluwa, nga enokola ensonga nga bwezajja, nga azisengeka bulungi, engeri gyebaalina obukuubagano ne mukulu munne; engeri gyeyali atuuse okulekulira obukulu mu myaka nga Kabaka tannakula kukwaata Ddamula naye n’akireka olw’ensonyi olw’okuleka obuvunaanyizibwa;ayongera n’ajjukiza nti Kabaka bweyakula n’atikkirwa engule ye,Omulamuzi yawandiikira Gavumenti nga asaba okuleka Obwaami, olw’ensonga zetulabye waggulu, wabula Gavumenti yali emugambye agira alindako bamale okwekkaanya ensonga ezimulekuliza. Wabula ate ajjukiza nti waali wakayita emyezi 4, Kabaka ate n’amulonda, okusinziira ku ndagaano ya Buganda elanga nti Kabaka bw’aliba akuze, aly'elondera abantu 3, abalimubeera okumufugirako.Era tujjukizibwa wano nti Kabaka bw’amala okumulonda,yateesa ayawule emirimu gy’abakungu be, wabula era Katikkiro yakirwaanako nnyo era empaka zali nyingi mu Lukiiko, wabula ab’Olukiiko nebasiima Kabaka by’agambye, wabula ye Katikkiro teyakisiima, era n’awereza okwemulugunya mu Gavumenti, mu myaka egyo eyali ekulemberwa Kyeruppe PC Knowles, wabula ate Katikkiro gyeyali asuubira ababaazi yasanga bassi,anti ne Kyeruppe yasalira ku luddda lwa Kabaka, era emirimu negyawulwa.

Oluvannyuma, abakungu ba Gavumenti, ne Lukiiko wamu n'Abaami bonna nebasaako emikono.Kaakano emyaka gyali giweze 7 nga emirerembe giweddewo, ate bino nebittula kookolo.Mu baluwa eno, Omulamuzi yali yebuuza ebibuuzo bino wammanga:-

1-Nsonga ki eyali esikiriza Katikkiro okuyingira okubera omubaka mu kooti y'Omulamuzi?

Kwali kufuna Bitiibwa?

2-Bwekuba kwali kufuna bitiibwa,okubeera omubaka mu Kooti y'Omulamuzi kye kisinga ebitiibwa by'obwa Katikkiro?

3-Yali ajja mu Gombolola y'Omulamuzi kubeera mubaka, oba yali ajja kuwakula ntalo?

4-Katikkiro bw'aba nga asobola okubeera mu butakkiriziganya entakera ne Sabasajja Kabaka, kinasoboka kitya okukkiriziganya naye mu Kooti eyange, nga ye Katikkiro, era emirimu negitasoba?

Awo ggwe omusomi osobola okubeera omulamuzi ku nsonga ezo.

Bw'atyo n'asaako omukono gwe nga asaba okuwabulwa awasobye, era n'okutunuulira ensonga zino n'okwekkaanya okungi ennyo.

Ebbaluwa yaleeta akagulumbu mu ggwanga,era nga 10 November 1920 newabaawo akakiiko okuteesa ku nsonga ezo.Abaaliwo ku olwo:

1-H.H Kabaka wa Buganda

2-Stanslas Mugwanya(Omulamuzi)

3-Yakobo Musajjalumbwa(Omuwanika)

4-Hamu Mukasa Sekiboobo(Ku lwa Katikkiro)

5-Allan Hogg(Omuwolereza w'amateeka)-Attorney Genenal

6-Mr.Gatherie Smith (Acting Chief Justice)

7-Capt.H.M Tufnell (Acting Provincial Commissioner)

Waaliwo ensitaano, era Chief Justice ne Attorney General nga bagamba nti Buganda eddeyo yeyongere okuteesa ku nsonga eyo,nga bbo balaba tewali nsonga egaana Katikkiro n'Omuwanika kubeera mu Kooti.Wabula Ssabasajja n'abategeeza nti waaliwo obulabe nga n'enyombo ezaaliwo mu myaka giri ezaali zisirikiridde zaali zisobola okuttuka, naye Chief Justice n'agamba nti tasuubira nti entalo Ssabasajja zeyali atya zinaddamu. Kabaka yagezaako okwongera okuwandiikira PC ku nsonga eyo nate, wabula yye yali amaze okusalawo, Omuwanika ne Katikkiro batuule mu Kooti n'Omulamuzi.

Kyeyava awandiiira Gavana Uganda Protectorate, ow'ekitiibwa Sir.T R Coryndon, nga alumuviira ku ntono, era nga amulaga akabi akaali kayolekedde obuganda,olw'engeri Chief Justice ne Attorney General gyebaali bakkiriziganyizza n'okusaba kwa Katikkiro n'Omuwanika.Yalaga ennaku nti newankubadde yagezaako okunyonyola PC Tufnell obukuubagano obwaliwo emyaka egyayita wakati w'abaami, ye Tufnell yesulirayo gwa naggamba, era nagamba nga bwewatali bulabe buyinza kubalukawo nate.

Yamaliriza nga asaba Gavana afune ku copy z'amabaluwa agabadde gawanyisiganyizibwa okuviira ddala ensonga zino lwe zaabalukawo.

Awo ate Omulamuzi n'awandiikira Chief Justice Entebbe ebbaluwa nga amulaga nga bw'atali mwetegefu kubeera mu kooti na bakungu abo, olwebafaayo ebyaliwo wakati wabwe.Yalaga okutya kungi mu baluwa eno, nga agamba nti ye t'asobolenga kusala musango gwonna mu mazima, nga amanyi nti waliwo abamuli ku kibegabega, era nga amanyi nti yali alina okusookanga okwebuuza ku Katikkiro n'Omuwanika, nti "basebo mwe mubadde mulaba ,mutya ku nsonga gundi ne gundi".

Yawereza copy eri Kabaka, Ne Provincial Commissioner.

Kabaka ate n'afuna okuddibwamu okuva ewa Gavana, nga amugamba bwati:

"Okudda mu baluiwa yo eya 18th November, eno ye nsala ey'akamalirizo(final)okusala kuno kusinzidde mu Proclamations

za Kooti za Buganda eya 27th October 1917 egamba nti Katikkiro n'Omuwanika basobola okutuula mu ntebe y'Omulamuzi mu ngeri ezitali zimu! Kati olw'ensonga eyo, tewali kibagaana kutuula mu Kooti, olw'obukulu bwabwe. Okutya kw'olina ku nyombo tekujja kusobola kujuliza ku nsonga eza Proclamations za Kooti za Buganda, awamu n'Endagaano eya 1900, n'Endagaano ya Buganda(Judicial 1905).

Bwatyo Kabaka teyalina kya kukola, okujjako okuwandiikira Omulamuzi Mugwanya, nga 17 December 1920 nga amutegeeza bw'ati:

"Nkuweereza okuddibwaamu kw'ow'ekitiibwa Gavana ku kigambo kya Katikkiro n'Omuwanika.Ku lwange ndabye nti Gavana asinzidde ku nsonga nti Katikkiro n'Omuwanika bw'otobayita mannya gabwe mu biti byabwe obanga atabawadde bitiibwa byabwe okusinziira mu ndagaano eya 1900.Naye my Proclamations za 1917,kibakakatako okuba n'erinnya basobole okuba n'obuyinza, okujjanga okutuula nga abalamuzi nga Kabaka n'Omulamuzi tebabaddewo.Ku lwange ndaba Gavana tasazewo Katikiro n'Omuwanika babe n'obuyinza obuwakanya Omulamuzi nga ali mu ntebe, wabula abassa wansi we nga Omulamuzi.Mu kino nsuubira nti okwelarikirira kw'obadde nakwo kunaggwaawo."

Wabula ate ye Omulamuzi Mugwanya olwasoma ebbaluwa eyo, awamu n'eya Gavana gyeyawereza,kwekuwandiikira Gavana Ebbaluwa erekulira Obulamuzi.

Nga asaba okulekulira, yanokola emirimu gyeyali akoledde Uganda, nga gye gino wammanga:

Birabe mu Part 4

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Kalibattanya - 2007/09/30 21:13

Phad webale omulimu guno. Nze nno akatabo kano nakasomako edda, naye it's great to go through it again here with you. You do really have a talent in this thing you are doing.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chw

Posted by omumbejja - 2007/10/01 02:27

PHAD Akatabo kano bakamperezaako, naye okatereddeko mukiseera ebirala nyinza okusomako akatono neneyongerayo naye si bino wano nkwebaza akensusso era nesunga next page keep it up owomukwaano Phad

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/10/01 13:45

Abalungi abagalwa, the pleasure is always mine.Nange nsanyuka nga nsanyusizza.

Gwe ate ani asiima okweliira oluvuutu lw'ategekedde abangi, nebatalulya?

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/10/01 15:32

LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA

Part 4

Tulabye mu kitundu ekiwedde engeri Omulamuzi stanslas Mugwanya bw'asazeewo okulekulira, era n'atuwa n'ensonga ze.

Wammanga anokola emirimu ku lwange gyempita egy'ettendo ku lw'obulungi bwa Buganda ensi yaboffe.....

-Mu 1889 yaweebwa obukulu mu Buganda, okuddirira Katikkiro, obuyitibwa obwa Kimbugwe.

-Mu 1893 Ng Capt MacDonald ye Mulamuzi, yaweebwa obwa Katikiro obw'okubiri.

-Mu 1897 Omulangira omuto(Daudi Chwa) bweyaweebwa obwa Kabaka, n'aweebwa okuba Regent 2, nga Kabaka akyali muto.

-Ate mu 1900 n'awebwa erinnya ery'Obulamuzi, era okubera omwami ow'okubiri ow'ekitiibwa mu Buganda.

-Mu 1913 n'ayitibwa Ssabasajja Kabaka George IV ow'eBungereza,okukiikirira Obuganda.

-Yamaliriza omulimu ogwamuweebwa ogwa Regent mu 1914, nga Kabaka atusiiza okweramulira, kyokka ate Kabaka ne Gavana ne basalawo okumulonda okubeera Omulamuzi, okulimu gweyakolera emyaka 7 bwe ddu.

Awamu, gy'emyaka 32 nga ali mu buwereza bwa gavumenti.

Bw'amala okunokola emirimu gyonan egyo, n'alyoka akityeemula nti asaba awummule emirimu gye, kubanga yali alumirwa nnyo erinnya lye,obwesigwa bweyalina eri Kabaka we ne gavimenti ya Bungereza, ate nga yali takyetaaga nyombo mu myaka gyeyali atuuseemu.

Ebbaluwa ya Mugwanya yagitegeka era n'esomebwa mu lukiiko tabamiruka, olwaberangawo buli mwaka, era ensasagge yatuukawo nga Abaami, ab'Amagombolola n'abakiise abalala tebakkiriziganya na kulekulira kwa Mugwanya.

Beekolamu akabinja nebawandiikira Gavana ebbaluwa nga eyita ewa Sabasajja, nga bawakanya okusaba kwa Katikkiro n'Omuwanika okusala emisango mu Kooti y'Omulamuzi.Beyongerayo nebagamba nti okulekulira kw'Omulamuzi tekwali kwa kyeyagalire, wabula olw'okulengera olukuunya bano abakungu lwebaali bajja okussa ku Mulamuzi, wamu n'okumulemesa okuweereza Obuganda mu ngeri bonna gyebali bakkiriza nti yali tebuusibwabuusibwa, wabula nga ekwaasa abakungu abo obuggya!

Baanokolayo emirembe egyaliwo nga abakungu bano tebannayawulibwa,era nebalaga nga Obuganda bwe bwaali buladde okuva Kabaka lweyali yabaawula.

Baamaliriza nga basaba enkola ebaddewo, y'eba eddawo, era nga bakakasa nti bw'eneddawo, Omulamuzi ajja kukuba akadda nnyuma, addemu awereze Obuganda kinnawadda.

Bassaako emikono nga beebano:

Alikisi Pookino

Andereya Kaima

Jooje Kaamuswaga

Nyasio Lule Kyambalango

Yozefu Muteesa

Yozefu Luweekula

Tomasi .S Kasujju

Edward Mbubi

Serwano Mugerere

Semewo Kiyimba

J.T.K.G Kajeerero Ssabalangira

Josefu Kisunje,Mutuba I

E.K Mukasa Musaale

Rafairi Kidza,Mutuba I

E.B Sempiira Ssabaddu w'eBuyaga

Anatoli M . Ssabagabo

D.Kidza,Musaale Bugangazzi

A.Kabuusu,Mutuba VII, Buddu

Leo N.Mutuba IV,Buyaga

Joswa Misango,Omukulu w'Olubiri

R.Ssabawaali

Fesito Munyang'enda, Ssentala.

Ssekabaka bw'agifuna, ate naye kuno n'ateekako eyiye, era nga eggumiza abaami abo gyebawandiise, era nga ennyonyola nga naye yennyini bwatasemba nsonga ya Mulamuzi kuwummula, era nga alaga nga Omulamuzi bwatasabye kuwummula kyeyagalire.Yasaba ow'ekitiibwa Gavana addemu okutunuulira okusala kwe okwasembayo, nga agamba nti akabasa kaviira ddala ku nsala eyo!

Awo ate ab'Amasaza nabo nebasitula enkundi, nga bawandiika ebbaluwa eri Sabasajja, era nayo nga mu bufunze esaba Kabaka aleme kukkiriza kulekulira kwa Mulamuzi.Baalaga nti tebaalina luuyi lwebagoberera, okujjako okugoberera amazima n'obwenkanya.Ebbaluwa eno yawandiikibwa mu Luganda, sso Ssabasajja yalina okugikyuusa mu lufuutifuuti, kuba yalina okugiwereza ne ku Gavana.

Bassaako emikono gyabwe:

Fesito Munyang'enda Ssentala

Y.Kyazze Kajugujwe,Mutuba V

S.M Bazongere,Musaale Singo

S.W Kulubya,Mutuba IV,Kyaddondo

Ezera Kabali,Mumyuka,Singo

Zonna olwo n'aziweereza ewa Gavana, nga ziyita ewa PC Magulu meeru, oba muyite Kyeruppe.

Era awo Sabasajja yakiraba nga kisanidde okwanjula eri olukiiko okusaba kw'Omulamuzi okulekulira. Kino era yakyanjula mu bbaluwa,eri Mengo lukiiko,nga 28th January 1921.Yasaba afune okuddibwaamu amangu ddala, era nga anokola ensonga nga ye bweyali tasobola kukkiriza Omulamuzi okuwummula, wabula nga ate takiraba lwaki abakungu bali abavaako entabwe balemera ku nsonga y'okubeera ku kakiiko akalamula mu Kooti .

Tebaalwaayo, era abakungu b'olukiiko nebadamu ebbaluwa nga 29th January 1921 nga bonna bassa kimu nga nkuyege.Wabula,nebateesa nti wadde kyali kiraga kunyigirizibwa,Omulamuzi akirize akolere wamu ne banne,mu kutabagana, ku lw'obulungi bwa Buganda, ensi y'aboobwe.

Nga bweyali nkola ye, era ne kuluno yateekerako ebbaluwa ye mu mukono gwe nga Kabaka, era n'aziweereza wamu, ewa Mugwanya.

Nga 1st February 1921, Mugwanya yaddamu mu bwangu ebbaluwa nga yebaza amabaluwa gonna, era nga agamba nti olunaku olwa 7th January bweyawandiiira Gavana, yannyonnyola bulungi enyimirira ye ku nsonga eno, era ebibye nebiggwa.Yagamba nti newankubadde Obuganda busiima nnyo emirimu gy'abukoledde, emyaka egyo gyonna, tekirisoboka okusiimibwa nate, singa abeera n'abaami bombi abo mu Office emu, era nga n'abo ab'Amagombolola tewali ayinza okukkiriza okukolera awamu n'omulala mu Gombolola y'emu.Wabula kino olw'okuba yali akikozeeko n'abami bano, ebikirimu yali abimanyi,era nga ssi mwetefuteefu okudda mu mirerembe egyo.

Yamaliriza ng'agamba nti embera bw'eba ezeeyo nga byeyabadde, ye mwetefutefu, ku lw'obulungi bw'eggwanga, nga bwerikyamwagala, okugira nga akola nga Omulamuzi, kuba yali takooye bukooyi mirimu gye.

Awo n'ayiwako omukono gwe.Stanslas Mugwanya, Omulamuzi wa Buganda.

Wayita mbale Kabaka n’afuna ebbaluwa okuva ewa PC nga alaga nga bw’akkirizza okusaba kw’Omulamuzi okuwummula.Eno yali eviiridde ddala wa Gavana, nga eriko enaku z'omwezi 7th April 1921. Kyokka ate era nga 21 April 1921 Kabaka n’afuna copy okuva ewa ba kazaala bulwa,Katikkiro Sir Apollo Kaggwa ne munne Omuwanika Yakobo Lule Musajjalumbwa,gyebali bawandikidde mukungu munaabwe Stanslas Mugwanya,era mu bumpi yali bw’eti:

“Tukuwandikidde nga tudda mu baluwa gewafuna okuva ewa PC nga bw’osanyuse kubanga yali akkirizza okulekulira kwo,okw’Obulamuzi bw’eggwanga.

Wabula ffe nga bakulu banno bwetuwerezza emyaka gino tekitusanyusizza,tetukisanyukidde.era okulekulira kuno, ffe tukirabye nti tokikoze lwa kwagala kwo, wabula kulwa ffe, era kiraga tewali mwetefuteefu kukolaganira wamu naffe, okuwererza eggwanga ly’aboffe.Bw’oli mukulu mu gwanga, mu myaka ne mu kitiibwa,singa wali oyagala okutabagana, wandigumiikirizza, n’omala emyezi nga 2 oba 3, n’olyoka olekulira, era ekyo kyandiraze okuwagalana n’okutabagana.Wabula mu kikolwa kino, oyolesezza nga bw’ototwagalira ddala, era kitulumye nnyo, tetwategeera nti totwagalirako ddala!”.....ka tukome wano”

Awo nebayiwako emikono.

Enkeera Omulamuzi Mugwanya n’awandiikira Gavana Ebbaluwa esaba ebinamuyambanga.

Bisange mu Part 5

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/10/02 13:13

LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA

Part 5

Naye ggwe olowooza nti Mugwanya yali mwetegefu okumenyeka olw'ebbaluwa eyo?

Bw'oba olowooza bw'otyo, okigudde kubanga kyeyali asinga okwettanira lye linya lye, lyeyali akoloredde emyaka emingi bwegityo.Eno ebbaluwa teyamunyegenya nako, era n'agenda mu maaso okusaba akasiimo, n'ebinaamuyamba mu bulamu bwe nga awummudde(Pension and Gratuity)

Era eno yawandiika bbaluwa, nga mu bufunze yali bw’eti:

.....”era sebo nga bwenasaba, mu kuwummula kwange olw’emirimu gyenkoledde eggwanga mbadde nsaba okuweebwa bino wammanga:-

-Pension, mu kino neme okubulwa ekinanguliranga enyama, era neme okwegomba ebirala ebyetaago mu bulamu.

- Nsaba mpeebwe abawereza 25, kuba mbadde nina abawereza awamu 70, abampandiikibwako nga Omulamuzi.

-Nsaba abapakasi ab’akasanvu abaweebwa Olukiiko buli mwezi, mpebwe 10, wabula nga bano neteseteese okubasasulanga.Bano mbadde na 22 abampandiikibwaako

-Era nsaba abasibe 3 okunongosezanga awaka wange ku kibuga, walabikenga bulungi kuba bano bbo nze mbadde mbafuga.

-N'ekisembayo mukama wange n’obuwombeefu nsaba okukkirizibwa ndabenga Kabaka wona wemba nga njagalidde okumukyalira, era n’okumutoneranga ebirabo nga mbadde nina kye mmuwa.

Nze musajja omukulu ennyo eyakwasibwa Kabaka okumukuza,kuba ndi Regenti,era mmulaba nga omwana gwe n'ezaalira nze kenyini.Naasanyuka nnyo nga mpereddwa ebyo byensabye mukama wange.

Nze omudduwo omugonvu ennyo S.Mugwanya.”

Ebbaluwa eno Mugwanya yagiyisa wa Ssabasajja Kabaka,era okwo Ne Kabaka kweyateeka eyiye, nga esaba Gavana n'okukkaatiriza ebyo byonna Mugwanya by'asabye, bibeere nga bimuweebwa.Okwo Kabaka yayongerako okusaba nti bwewanabangawo okuteesebwa ku nsonga yonna enzibu, oba enkulu ennyo,asobole okwebuzanga ku Mugwanya,

n’okuwabulwa.Wamu n'ekyo, Kabaka era neyeyama okwogera n’abaami (Ministers) Mugwanya okubeeranga n’eddembe okuteesa nga olukiiko lutudde, era naye abeerenga n’ebbeetu okuteesa nga ababaka bona ab’olukiiko.

Bweyaziwereza Gavana, ku lunaku lwe lumu, nga 25 April Gavana Coryndon n’awereza okuddibwamu kwebyo Mugwanya bye yasaba, era nga asinziira ku mirimu egy’ettendo Mugwanya gyeyakolera eggwanga lye. Obwesigwa, obwesimbu, obuvunanyizibwa n’obuzira, Mugwanya bye yakozesa ebbanga lyonna, byasikiriza Gavana okumuwa byonna nga bweyabisaba.Mu bbaluwa Gavana gyeyawandiikira Mugwanya ey'okumuwa byonna byeyasaba, yamaliriza nga yeebaza ne ssekwebaza yenna, obuzira n’obuvumu Mugwanya byeyakozesa okuweereza eggwanga lye.

Era ku eyo, Sekabaka Daudi Chwa n’awererezaako ebbaluwa ye(Era nga enkola ye bweyali) Eyozayoza okuwummula, era n'okwebaza Mugwanya olw’ebyo byonna byeyerekereza nga awereza mu biti ebyenjawulo, mu myaka egyasukkira ddala amakumi asatu.

Nga Gavana bweyamwebaza mu bbaluwa ye, era ne Ssabasajja Kabaka Daudi Chwa yebaza nnyo Mugwanya olw’obwesimbu n’obumalirivu byeyakozesa ebbanga ly'eyaweereza mu biti ebitali bimu mu Buganda.

Ssekabaka Chwa weyawandiikira bino, Mugwanya yali akyeyagalira mu kuwummula kwe, era yali ku lusegere lwa Ssabasajja, nga muwi wa magezi mu bintu ebitali bimu ebikwata ku nyaffe Buganda.Obulamuzi obukulu obw’eBuganda yamalirako ddala emyaka 20.

ENKOMERERO.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/10/02 14:37

LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Ebyafaayo by'ekitabo kino:

Kyasooka okufuluma mu 1922.

Kyaddamu okufuluma mu 1997, era nga kyafulumizibwa CRANE PUBLISHERS LIMITED.

Omulimu gw'okufulumya ekitabo kino gwakwasibwa Ow'ekitiibwa Alhaj Mustafa Mutyaba,

Minister w'Ebyobuwangwa,Ennono,Olulimi Oluganda n'Ebitabo.

Bulange Mengo.

Ku lwange kimpa amaanyi okulaba nga wakyaliwo empagi luwaga,eziwaddeyo amaanyi n'ebiseera okuyimirizaawo obuwangwa,ennono n'olulimi lwaffe okutaakirizibwa obutasaanawo.Era wano owekitiibwa Alhaj Mustafa Mutyaba mwebaza ak'ensusso.

Ekitabo kino kyasookera ddala kufulumizibwa Ssekabaka Daudi Chwa,wabula Oluvannyuma lw'okuddizibwa Ebyaffe,Ssabasajja Kabaka Muwenda Mutebi II n'akwasa ow'ekiitibwa Alhaj Mustafa Mutyaba eddimu lino, era ly'akoze obuteebalira.

Omulanga gw'ow'ekitiibwa oyo nga yakakwasibwa omulimu guno, kwali kukubiriza abalina ebitabo nga kino okubeera nga babimuweereza,abeere nga abikuba mu kyaapa,(Re-producing)naddala ebyo ebitakyasoboka kufunika mu matundiro,wabula nange nsaba nti singa kisoboka,nga olina ekitabo kyonna ekifananako kino, okiwereze connect uganda ekole entegeka,esobole okukituusa ku batalina mukisa kukigula,fenna tugabanire wamu mu kukisoma.

Okwebaza(Special Thanks)

Wano nsaba okwebaza ne ssekwebaza yenna:-

-Connect Uganda olw'okumpa omwagaanya okusobola okukola omulimu guno.

-Omukiise wa Forum Namba emu,(No.1)ku ddoboozi lya connect parliament, nga ye Ow'ekitiibwa Meli, olw'okwerekereza emirimu gye, n'akola entegeka z'okuntuusaako ekitabo kino e bunaayira gyendi,nsobole okukiwereza ku mukutu gwa parliament yaffe eno.

Era nebaza

-Abakiise ba parliament bonna, mu bitiibwa byabwe, olw'obuwagizi bwebandaze nga nkola omulimu guno.

Ne maliriza nga neebaza ggwe omusomi, kubanga w'otali, tewali kijja kuwandiikibwa, kuba tewali asoma!

Mukama abansasuliremu kyemusinga okwagala.

Wangaala Ssabasajja Kabaka,Magulunyondo,Nyinimu,Musota,kyuukyu.

Wangaala Buganda.

Wangaala Connect Uganda

Phad

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by omumbejja - 2007/10/02 18:13

Munnaffe Phad tusiimye omulimu gwo gwotukoledde ne Meli tumukuliseeyo omusulo gwokumakya ngagenze ottuyigila ne Connect nayo yebazibwe otuwa akakisa kano mwenna babampere kali kamikisi.Ssabasajja awangaale no Buganda butuule entede.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Meli - 2007/10/07 19:39

Phad munnaffe webale kutuweereza. Kanyumye nnyo okukasomerako nawano wamu ne bannaffe bonna. Ebintu bibiri nze byenfuna mu kusoma akatabo nga kano, ekisooka nti Obuganda bubaddewo ebbanga ddene, abantu nga beyisa mu nneyisa gyetumanyi, ekola eggwanga lino. Nnanyumirwa nnyo Omuwanika okutuma abantu okugoba Mugerwa eyali adduse, era nokumukwata akubibwe emiggo. Ekirala kwe kutebeereza ChwaII yalina emyaaka nga 24 weyalamulira abantu be wano, yalina nga 26 weyafulumiza akatabo kano. Ebyo byetulina okwediza, abantu banyumirwe obukulu, nobuvunanyizibwa obujjirako. Mu ngeri eyo emirimu gyeggwanga ginyiriira.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Phad - 2007/10/08 13:40

The pleasure is mine, mwebale kusiima banange.

Kaakati nze kulwange ensonga ze nalaba mu katabo kano, era nga Meli bw'oyogedde,teebereza omuntu ow'emyaka 24,nga alamula ba musajja mukulu bano abaali mu 50 n'okusoba, naye ate n'abalamuza amagezi ag'engeri eyo, nze ndaba Sekabaka Chwa yalina amagezi ga nsusso!He was always acting ahead of his age, ekintu ekitasangikasangika mu nsangi zino!Nkakasa 24 years of age aba akyali muvubuka nnyo, era ye nsonga lwaki ne minimum age acceptance for representing mu Parliament ya Uganda today eri way over that, kuba its considered immature.

Wabula nsigala neebuuza, nti galiwa amagezi ag'ekika ekyo mu bafuzi baffe?

Ate ekirala, gwalagawa omwooyo gwa Bulungi-Bwa-Nsi, omusingi okwazimbirwa Obuganda ne nyaffe Uganda?

Singa waliwo amanyiiyo, yanditulagiridde netugenda tubikwekulayo, nze ndi mwetegefu.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Kalibattanya - 2007/10/08 18:30

Naye okwagala ennyo obuto kusiriwazza nnyo omulembe guno. Eddako abazadde benyini nga bajjamu abaana baabwe ebyokweyita abato. Nnina mukulu wange naye nga ndabika nga nze mukulu we. Lumu abantu bambuuza, kozi ggwe mukulu ku gundi, kko nze yye, bweyakitegeera yajja nampacca oluyi; "Ggwe omwana toddangayo okummanyiira!" Kati bangi bagala babeere bato neku baana baabwe. Ate balowooza nti obuto kitegeeza busiru. Obuganda kyebwaava bugenda mu maaso luli, abantu nga benyumiriza mu bukulu, nga banoonya amagezi agabugenderako.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chwa

Posted by Meli - 2007/10/09 13:54

I have been taking note of the great people and their ages when they did the things we remember them for.

Jesus - he couldn't start earlier than he did, they say, because before his 30th birthday, a man in his society didn't sit in the council of men. But by the age of 33 he had finished rocking the whole world for ages to come.

Mandela was 28 around when he became politically active. And as he was being taken off to prison he left behind a wife and two daughters.

Winnie Mandela was 23 when she took over her husband's platform, to speak out for the New South Africa.

Napoleon Bonaparte -- became France's leader at the age of 29, and he went on to become and emperor.

Malcom X -- joined the Nation of Islam in his late twenties, and soon enough became one of the greatest black leaders out here. By 39 he'd finished making his history.

Bob Marley -- started singing at 17, died at 37 or 39 leaving behind a great pile of work precious to the black world and all.

Queen Victoria-- was it at 25-26 that she said, "behold I marry England"? And it's said that during her reign England was living a golden age.

The Rev. Martin Luther King Jr -- he was 26 when he led the Montgomery boycotts, and ever since became one of the great black leaders.

King Mwanga -- he was 24-26 when he ordered the martrys killed, as part of his struggle to stabilise the Baganda kingdom. By 36 he was dead.

The list goes on, and when you go through it, I understood why at three years old, our parents used to say, she/he's old enough to pay taxes. I for one have always felt challenged by these people. And could never say I was young, when they did what they did when they did it.

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA Sir Daudi Chw

Posted by Phad - 2007/10/11 01:18

Wabula Meli ompisizaako Hummer!!

I was along similar lines n'ompisaako ekyuuma.

Well said and what a brilliant set of references.

Couldn't have said it any better!!

Hhhmmm..mwana wa nnyabo Kaliba kulika oluyi!!!!!Bwahahahahaha...

Ndeka tonsesa leka naawe

==========

Re:LWAKI STANSLAS MUGWANYA YAWUMMULA-Sir Daudi Chw

Posted by omumbejja - 2008/03/02 04:04

Gavt. ya Buganda

Olukiiko lwa Buganda nga lutudde gye buvuddeko.

Bya Muwandiisi waffe

Kyokka akatabo Obulamu bwa SSekabaka Daudi Chwa11 kalaga ng’enkyukakyuka mu bufuzi bwa Buganda zitandikira ku mulembe gwa Ssekabaka Daudi Chwa so si gwa Kabaka Muwenda Mutebi II.

Mu ssuula egamba nti Ebyobufuzi mu Buganda omuwandiisi agamba bwati:

Ku mulembe gwa Ssekabaka Daudi Chwa, enfuga y'omu Bwakabaka bwa Buganda mwe yakyusizibwa okuva ku magezi n'enkola y'obujjajjja obw'edda okuva ku Kabaka Kintu n'okudda ku mutindo omuggya gw'eriko nga nsaleesale eyayawula wakati w'enfuga ey'edda n'empya ye yali Endagaano ya 1900.

Eno y'entegeka ey'edda ey'Obwakabaka bw'e Buganda eyasangibwawo :

Enfuga eno teyamenyebwawo, Obwakabaka bwa Bungereza bwe bwakola endagaano mu 1900 n'Obwakabaka bwa Buganda wabula bwaginyweza bunyweza, Sir Harry Johnston bwe yamala okugyekkaanya n'agisiima.

Omutongole: Mayiro bwe zaagabibwa mu bakungu abeereere, oluvannyuma abamu baazitundako era n'endala ne zijja nga zisikirwa nga bwe zigabibwa okubuna mu bantu, kale nga buli muntu alina ettaka ye mutongole kubanga alina obuyinza ku basenze be. Ng'okugaba mayiro tekunnabaawo, Kabaka yalinanga ebisanja oba ebitongole by'abasajja be abaamukoleranga emirimu egy'enjawulo, ebweru ne mu Lubiri, kale abantu abaakulemberanga ebitongole ebyo nga be batongole.

Owoomuluka: Ono ye mwami atandikirwako wansi alabirira abantu abali mu byalo ebiri mu muluka gwe.

Oweggobolola: Ono mwami mukulu, aba n'olukiiko lwe ku ggombolola era ayinza okutanza n'okusiba abantu mu kkomera kyokka obuyinza bwe bwa kigero.

Owessaza: Ono y'alabirira abaamagombolola mu kitundu kye.

Abakulu abasatu:

Edda waaliwo Katikkiro yekka naye Ssekabaka Daudi Chwa bwe yalaba embeera y'ensi nga bw'eri kwe kuteekawo abalala ababiri, omuwanika n'omulamuzi.

Katikkiro: Ono ye mwami omukulu akomererayo mu bukulu obuyinza okutuukibwako mu Bwakabaka bwa Buganda. Afuna 16,000/- omwaka ne mayiro 16 ez'Obwakatikkiro.

Omuwanika: Y'aggukirwako omulimu gwe omukulu kwe kukuuma ensimbi z'obwakabaka. Afuna empeera ya 16,000/- omwaka era ne mayiro z'aggyamu obusuulu ez'obwami.

Omulamuzi: Y'addako, y'asala emisango emikulu era okuva mu 1929 waateekebwawo abalamuzi abato 3 okuyambanga omulamuzi mu lukiiko lwe.

Era waliwo ebitongole bino ebikulu n'abakulu baabyo:

Omukulu w'oluwalo afuna 4,750/- omwaka, omukulu wa mayiro (leero ye minisita w'ebyettaka) afuna 6,000/- omwaka, omukulu w'ebyokulima (Ssekabaka Daudi Chwa ye yalwana okussaawo ekitongole kino) afuna 4,750/- omwaka (ono leero y'ayitibwa minisita w'ebyobulimi). Omusawo w'ebyobulamu (leero y'ayitibwa minisita w'ebyobulamu) afuna 1,800/- omwaka.

Omusigire wa Katikkiro afuna 7,200/- omwaka

Ababeezi b'omulamuzi abasatu omukulu afuna 6,000/- n'abaddirira 4,800/- buli omu omwaka.

Omubeezi w'omuwanika afuna 5,400/- omwaka.

Olukiiko: Kabaka afugira mu Lukiiko n'abantu be. Olukiiko olujjuvu bwe lutuula lubaamu Kabaka ku Nnamulondo, abakulu abasatu (Katikkiro, omuwanika n'omulamuzi), abaamasaza n'abeemiruka basatu okuva mu buli ssaza, n'abaami ba Kabaka omukaaga, bw'ogatta awamu lubaamu abantu 90. Waliwo n'omuwandiisi w'Olukiiko afuna 4,080 omwaka.

(Bisimbuddwa mu Obulamu bwa Ssekabaka Daudi Chwa II).

Noolwekyo ebyo waggulu biraga nti Ssekabaka Daudi Chwa ye yatandikawo enkola y'obufuzi bwa baminisita mu Buganda bwe yalonda Omuwanika, omulamuzi, omukulu wa mayiro, omukulu w'ebyokulima, omusawo w'ebyobulamu n'ababeezi baabwe.

Kabaka Mutebi ky'akoze kwe kugaziya ku bukulembeze buno obwatandikibwa jjajjaawe Daudi Chwa nga leero Olukiiko lutuuza abantu abasoba mu 90 ekyalulimu ku mirembe gya Ssekabaka Daudi Chwa.

Published on: Saturday, 1st March, 2008

.

Published on: Saturday, 1st March, 2008
http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/1204378524Dp_rally2.jpg

==========